

Mu nsi ya leero eringa ekyalo ekimu, obusobozi okwogera ennimi eziwera n'owuliziganya n'abantu aboogera ennimi ez'enjawulo bukugu obwetaagisa buli muntu. N'okumanyaako ekitono ku nnimi ezisukka mu lumu kiyamba. Okumanya ennimi endala bwe buyigirize obupya obuliwo mu nsi kati. Okuyiga ennimi kwetaaga okugaziyizibwa eri bonna- abakulu n'abato.

Kyokka, abantu bukadde na bukadde mu nsi yonna abamiddwa eddembe lyabwe okusigaza, okunyumirwa n'okukulaakulanya ennimi zaabwe enzaaliranwa era ezibagattira awamu. Obutali bwenkanya buno busaana okuterezebwa okuyita mu nkola eziwagira enkozesa ennimi ennyingi mu bantu n'eri omuntu ssekinnoomu alina obusobozi okwogera ennimi eziwera.

Ffe, abeetabye mu lukunnaana lwa Salzburg Global Seminar ku mulamwa; *Springboard for Talent: Language Learning and Integration in a Globalized World* (December 12 -17 2017 salzburgglobal.org/go/586), tusaba wassibwewo enkola ezigasa n'okunyweza enkozesa y'ennimi ennyingi n'eddembe mu byennimi.

Ekiwandiiko ky'e Salzburg eri ensi ey'ennimi ennyingi

MU NSI MUNO MULIMU:

- Amawanga gona 193 agali mu kibiina ky'Amawanga Amagatte n'abantu abasinga obungi aboogera ennimi nnyingi.
- Ennimi 7,097 ze zoogerwa mu nsi yonna.*
- Ennimi 2,464 zoolekedde okusaanawo.
- Ennimi 23 zibuutikidde endala era zoogerwa abantu abasukka kimu kyakubiri eky'abantu abali mu nsi yonna.
- Abantu 40 ku buli 100 basomesebwa mu nnimi ze batategeera
- Abaana n'abavubuka obukadde 617 tebalina busobozi obusookerwako obw'okusoma bwino
- Abantu obukadde 244 bagwira mu nsi ze babeeramu nga ku bano, obukadde 20 banoonyi ba bubudamu, omuwendo ogulinnye ebitundu 41 ku 100 okuva bwe gwali mu mwaka 2000. Abagwira n'abanoonyi b'obubudamu ng'obagasse, basobola okukola eggwanga cryokutaano mu gasingamu abantu abangi mu nsi.

Kyamazima ensi yaffe ya nnimi nnyingi, kyokka enkola z'ebyenjigiriza, ezebyenfuna, emitendera gy'okufuna obutuuzze n'obukulembeze zikosa abantu bukadde na bukadde olw'ennimi zaabwe n'obusobozi mu mu kukozeza ennimi. Okusoomoozebwa kuno tuteekwa okukwawanga bwe tuba ab'okutuukiriza ebiruubirirwa by'ensi yonna eby'enkulaakulana (Sustainable Development Goals), ebyakkaanyizibwako amawanga 193 mu 2015 "Okumalawo obwavu, okukuuma obutonde bw'ensi n'okulaba nga buli omu akulaakulana". Enkola y'ebyenjigiriza erimu obwenkanya ezimbiddwa ku musingi omugumu ogw'entegeka ennungi ey'ebyennimi ya nkizo ku kugenda mu maaso okw'awamu.

EMIRAMWA

- Enkozesa y'ennimi ennyingi kitegeeza embeera y'ennimi ennyingi mu bantu abali awamu aboogera ennimi ez'enjawulo.
- Obwakalinnimi kitegeeza obusobozi bw'omuntu ssekinnoomu okukozesa ennimi eziwera.
- Omuntu embeera emwetooldde y'esinziirako enkozesa ye ey'ennimi ennyingi.
- Okukozesa ennimi ennyingi, n'amawanga wamu n'ebitongole by'ensi yonna okuwagira enkozesa y'ennimi ennyingi kitumbula okuwaanyisiganya amagezi n'okutegeeragana mu byobuwangwa ne kinyweza enkolagana mu mawanga.

Entegeka z'ebyennimi eziruubirirwa zisobola okunyweza enkolagana y'abantu, okulongoosa ebiva mu byenjigiriza n'okutumbula ebyenfuna. Enjigiriza y'ennimi ng'cyongereza ku nnimi enzaaliranwa esobozesa abaana okukuuma n'okusigaza ennimi zaabwe enzaaliranwa, ezirimu amagezi gaabwe ne kiwa n'abantu

Ekiwandiiko ky'e Salzburg eri ensi ey'ennimi ennyingi kijja kuwagirwa ne alipoota enzijuvu n'okukubaganya ebirowooza ku mukutu ebijja okufulumizibwa mu 2018.

omukisa okuyiga ennimi empya ezibayamba nga abantu, ezibawummuza era ezibaganyula mu byenfuna n'byobuwangwa. Enteekateeka n'enkola ez'ennimi ennyingi zisobola okukuuma ekyobugagga ekiri mu nnimi ez'enjawulo era ne zireeta enkuyukakyuka ey'omuggundu mu byenfuna, embeera z'abantu ne mu byobufuzi mu nsi yonna.

Tukubiriza abantu ssekinnoomu, amakampuni, amatendekero, ebitongole ne gavumenti zonna okuba n'endowooza ekkiririza mu nnimi ennyingi, ezijagulizaamu n'okutumbula ennimi ez'enjawulo, okuba enkola egobererwa mu nsi yonna, balwanyise okusosola mu nnimi era n'okussaawo enkola z'ebyennimi ezitumbula enkozesa y'ennimi ennyingi.

EBISEMBEDDWA

Okussaawo enkola egobererwa

Enkola z'ebyennimi ennungi zikolebwa ng'abakugu n'abantu abakwatibwako beenyigiddemu. Okusalawo okulambulukufu era n'obwenkanya ku nsonga z'ennimi kitegeeza:

- Okukkiriziganya ku biruubirirwa ebirambulukufu era nga bisoboka
- Abakwatibwako bonna okwenyigira mu kussaawo enkola, ng'abasomesa bassibwa ku mwanjo ku mitendera gyonna.
- Enkola okubaamu emitendera gyonna okuviira ddala ng'omwana tannagenda mu ssomero, ng'amaze okusoma era n'okuyiga okutali kwa mu bibiina okubeerawo mu bulamu.
- Okussa essira ku byetaago by'ennimi, omuli okukuuma, okuyigiriza n'okukozesa ennimi ezirina abantu abatono .
- Okweyambisa ebizuuliddwa mu kunoonyereza ku byenjigiriza n'okumanya, mu kusomesa ennimi ennansi era ne mu kuyiga ennimi endala.
- Okufuna ebyetaagisa ebimala okusobola okuteeka mu nkola ebisaliddwaawo mu bujuvu.
- Okunyweza obusobozi mu kukozesa tekinologiya w'ebyempuliziganya
- Okulondoola n'okwekenneenya buli kiseera ebigererwa n'engeri enkola gy'essibwa mu nkola.

Okusomesa n'Okuyiga

Enkola y'ebyennimi enzijuvu etunuulira embeera z'abantu, ebyenfuna, ebyobuwangwa n'ebyenjigiriza. Okuyiga okw'ennimi omuntu kw'afuna obulamu bwe bwonna kwetaagisa, abantu okusobola okuganyulwa mu nkola ey'ennimi ennyingi. Enteekateeka z'ebyenjigiriza, ez'ebyekikugu n'ebyemirimu zisaanye okutumbula n'okussa mu nkola okusoma kw'ennimi okwa bonna, ng'emanyi obukulu bw'okuba n'ennimi ez'enjawulo. Abaana n'abantu abakulu babe n'omukisa okutobeka, okukulaakulanya, okugaggawaza n'okwongera ku busobozi bwabwe mu nnimi obulamu bwabwe bwonna.

Entegeka empya ey'ebyenjigiriza yeetaagisa ng'ezingiramu enkola ennansi n'ezo enkola endala ez'ebyamagezi ate nga yeessigameye ku tekinologiya ow'omulembe. Ebifo ebiyigirwamu ennimi bisukka ku masomero n'amatendekero aga waggulu. Ku nguudo, mu maka, ku mitimbagano n'emikutu gy'empuliziganya emipya wamu ne mu bifo ebiyamba ku banoonyi b'obubudamu byonna bisobola okuwagira okuyiga n'okwagazisa ennimi.

Okukyusa n'okutaputa

Emirimu gino gitobekabwa mu ntegeka n'empeereza ez'olukale era n'okuwaanyisiganya obubaka mu bantu abakozesa ennimi ennyingi. Okwenyigira kyenkanyi mu byobulamu, ebyenjigiriza, ebyenfuna, ebyamateeka n'obutonde kwesigama ku kubaawo kw'empuliziganya mu byennimi ey'ekikugu era ey'obwereere.

BAAKO KY'OKOLA

Be kikwatako abasobola okuleetawo enkyukakyuka mulimu abanoonyereza n'abasomesa; abaweereza b'abantu, abeebyobuwangwa; ebibiina binnakyewa, n'ebitongole bissekinnoomu; abaamawulire, gavumenti n'abakozi ba gavumenti; bannabizinesi n'abasuubuzi; abagabi b'obuyambi, abeebitongole by'enkulaakulana, n'abatandisi b'ebibiina ebitali bimu. **Mwenna tubakoowoola okuyamba;**

- Okussaawo enkola z'ebynnimi, ezigoberera tekinologiya ayamba okugatta, okutabaganya, n'okutwala abantu mu maaso nga balina endowooza ennungi ku nkola n'enkozesa ey'ennimi ennyingi.
- Okuwagira mu bikolwa eddembe ly'ennimi, n'okubaawo kw'ennimi ez'enjawulo n'obutuuzi obw'enjawulo nga bayita mu biwandiiko ebitongole n'ebyo eby'olukale.
- Okulwanyisa engeri zonna ez'obusozoze, obukyayi, kyekubiira n'obutali bwenkanya obukwatagana n'ennimi mu kusoma n'okuwandiika.
- Okukimanya nti n'abo abantu abatono, abagwira n'abanoonyi b'obubudamu nabo balina ekyobugagga mu nnimi zaabwe eky'omugaso mu nsi yaffe; eya leero n'enkya.

Abo be kikwatako abamenyedwa, buli omu mu ngeri ye, asobola okwenyigiramu n'okuwagira enkozesa y'ennimi ennyingi okuleetawo enkulaakulana mu bantu, obwenkanya ne buli omu okubaako ky'agatta ku nsi ye. Nga tuli wamu tusobola okubaako kye tukola okukuumira ab'emirembe egijja obuwangwa n'ekyobugagga ky'amagezi amakusike agali mu nnimi ennyingi.

*You can find references for all statistics online: education.salzburgglobal.org/statements